WHAT ARE YOU DOING OUT HERE THIS XMAS?
Posted by Meli - 2007/12/16 01:03

Okay, back home it would be church first, then lunch with family, then going out with cousins, friends, so many options. Out here, things are a little bit tighter for some of us. But we always find a way to have our fun. Share what you are up to this Xmas, that's what the spirit of the season is about anyway. Your gift would be an idea to a soul that would otherwise be lonely.

==========

Re:WHAT ARE YOU DOING OUT HERE THIS XMAS?
Posted by Bandi - 2007/12/16 21:07

On the 24th I work till late. Which means I'll sleep through the church service time on the 25th, to rest and to prepare for the next night shift. But I'm off on the 26th, and I've heard of a merrymaking, I plan to go set some steam off there.

==========

Re:WHAT ARE YOU DOING OUT HERE THIS XMAS?
Posted by omumbejja - 2007/12/16 21:28

Bandi where have you been dear we missed you so much

==========

Re:WHAT ARE YOU DOING OUT HERE THIS XMAS?
Posted by Bandi - 2007/12/16 22:01

Working, my dear princess. You see I am trying to get rich. I pray to get there before I loose heart.

==========

Re:WHAT ARE YOU DOING OUT HERE THIS XMAS?
Posted by omumbejja - 2007/12/16 22:16

Bandi Now we know where gyegunayisiza i'm bringing some exotic dishes ne ndeku yu just prepare ekita kya magengere you see they promised us sawuliyaako how about gathering at your place just the parliamentarians only ndeku party each will bring some goodies ladies some munchies and guys drinks Tonto, Lira-Lira Kwete , , bilegs bye nte, and all the good stuff. so what do you say?

==========

Re:WHAT ARE YOU DOING OUT HERE THIS XMAS?
Posted by Bandi - 2007/12/16 22:30

Are you trying to see to it that I don't get a word you write? Lol. I say my place is so untidy, I haven't cleaned for weeks. If the MPs get a glance of it, I could get banned form this forum, and I can't risk that.

==========

Re:WHAT ARE YOU DOING OUT HERE THIS XMAS?
Posted by omumbejja - 2007/12/16 22:41

Bandi you don't have to worry about that if you have wodulopu we will shovel every thing in there and if you dont have those and you have only banko the better we will just cover it with a blanket or ekitengi and hide every thing under the bed and the dress code black glasses so don't worry no one will notice a thing beside I'll be at the door who ever comes in will be given shot of tont and no food so they will be barabara and enjoy the parrrrrrrrrrrrrrrrrrty

==========

Re:WHAT ARE YOU DOING OUT HERE THIS XMAS?
Posted by Bandi - 2007/12/16 23:02

Lol sounds like a good idea. But it won't be full proof if we keep we the lights on. Maybe red lights will do. Let's work on it some more, so I don't have to clean.

==========

Re:WHAT ARE YOU DOING OUT HERE THIS XMAS?
Posted by omumbejja - 2007/12/16 23:09

Now you are talking let see what the ladies going to wear kuba jjukira we have variety of music by the way olina enough swetas for mazina maganda or we tell every one to bring some coz the high heels will be off once we start kkirira yambuka

==========

Re:WHAT ARE YOU DOING OUT HERE THIS XMAS?
Posted by xaza - 2007/12/18 22:52

Oh! did you say; amazina amaganda? Nze nja kuleeta music yamazina amaganda omuli engalabi eri yenyini.

==========

Re:WHAT ARE YOU DOING OUT HERE THIS XMAS?
Posted by omumbejja - 2007/12/19 18:44

And i'm sure Mike ajja kutuletera binsobedde tuyingire mu mwaaka omuggya ngakoloobya anti Mukama yamuwa ekitone kyeddoboozi lwakuba tayagala kukikozesa kuba kati yandibadde ne album eziwera mu binsobedde ye ate nga sitegeeza kukasonda kakizimbe wabweeru nandibadde neeyo ntandikwa.

==========

Re:WHAT ARE YOU DOING OUT HERE THIS XMAS?
Posted by omumbejja - 2007/12/20 02:33

Tukwegayiridde XAZA leeta ngalabi yokka mpozzi ne kamwenge bigere naye tojja nabazinyi bo wetuli watono tujaawo buja tetulina space yaba zinyi bo abatenga ebikira ngo fiiridde kungalabi omudingidi kyafiira kundere

==========

Re:WHAT ARE YOU DOING OUT HERE THIS XMAS?
Posted by JeenaJulia - 2007/12/20 09:10

Omumbejja Xaza muleke alete buli kyalinawo,ku roof top wakyaliyo space naye mbu Ancient anonya heaters abanabayo baleme ku freezinga.

==========

Re:WHAT ARE YOU DOING OUT HERE THIS XMAS?
Posted by omumbejja - 2007/12/20 17:55

JJ kyosaba XAZAtokimanyi silowooza nti tunajaawo mbu abazinyi be balina ebintu ebinene ate nga biwanvu kale silowooza nti ekifo kitumala . Kati ye Acient aleme kutawaana na heater kuba teli kisinga kuludu kubugumya , ayagala tukola ki okutussa ebbugumu ayagala abaami batandike okweyambula basigale mu blasikooti era mpozzi areete biwujjo

kuba Awoli ligomba bwanasulako nkukakasa akabugumu akanaaba awo oba nga XAZA atabukidde engalabi awo tetujja kwetaaga heater kuba ffe tujja okuba nga tujegobako

OMWENGE TUNAGUNYWA MITALA BBENDEGERE

==========

Re:WHAT ARE YOU DOING OUT HERE THIS XMAS?

Posted by Meli - 2007/12/21 22:38

NAnge ku Xmas ntebereza kukola mirimu gya Mukama. Ate engeri gyendi nzekka, sigenda kufumba. Waliwo mukwano gwange eyansubizza okundetera dinner, awo bwetunanyumyamu okumala akabanga nga kaako, nga tulinda omwaka omupya.

==========

Re:WHAT ARE YOU DOING OUT HERE THIS XMAS?

Posted by JeenaJulia - 2007/12/22 20:39

Katukusabile dinner ebeyo kuba oyinza okwesunga kumbe nga kiwaani,ye kambuze eneba dinner yokka oba nekyekilo kuba emboozi yakulanduluka paka matumbi budde,enjala tebalume eyo nga buyingila 2008?Meli x-mas and a meli new year.

==========

Re:WHAT ARE YOU DOING OUT HERE THIS XMAS?

Posted by omumbejja - 2007/12/22 21:16

Meli bisulemu engatto nemukwano gwo nze nkunona tugende gyegunayisiza njakumala nakulya dinner eyo mugambe aletereko nakanyama akookye kuba omanyi gyetulaga omala kuyiwamu kagiraasi kattonto mbu kuba teri heater kale tulina okwebugumya nga Mike tanatuterako Afro-Zouk .

==========

Re:WHAT ARE YOU DOING OUT HERE THIS XMAS?

Posted by Meli - 2007/12/22 23:37

Munnange JJ Omukwano mukyala. Ali wano ankola ekyeejo tokirabanga. Yayita abantu ku dinner, naye kubanga nnamugambye nti nze sijja kusobola, yagambye ajja kundetera dinner gyennabeera.

okuyiiya kwo kunnemye okutuukaako, naye nange nkwagaliza Sekukkulu ennungi n'omwaka ogusinga obulungi gyewakalaba.

Ssebo Mumbejja, ggwe nakwagaliza nga nkulabye. Kati awo olina kunnona oba ssi ekyo wishes zo sizikuwa.

==========

Re:WHAT ARE YOU DOING OUT HERE THIS XMAS?

Posted by Phad - 2007/12/23 00:21

Kaakati nno omumbejja ssebo okawangamudde!

Olwo ffe abatakiika e'womulangira Ssegamwenge tukole tutya?

Olinga agamba nti tujje ne gama zetunanyweramu obuugi nga tuzisibye mu biwato mageri ga baseveni!

==========

Re:WHAT ARE YOU DOING OUT HERE THIS XMAS?

Posted by omumbejja - 2007/12/23 03:25

Naye bannange Phad obadde obuliddewa ebbanga lino lyonna olabye okwebulankanya bwetubadde tugenda okukulyaako akabaga ? gwo omubisi onyaako? kubanagwo osobola okugunyweela mundeku naye ndowooza tusobola okukola ekisingawo noteramu obutunda mulweendo. No muziki gujja kuba gwa maanyi ekiwato wagala , yeekyo nkibulire gwe. yebannange simanyi Meli wamulabye kati njagala dozen ya kimuli kyandaggu.

==========

Re:WHAT ARE YOU DOING OUT HERE THIS XMAS?

Posted by Phad - 2007/12/23 14:36

Munange mbadde ndi mu kabasana.

Egya kaisali nga gindi mu kiwato.

Meli mulabye wabula simanyi oba ggwe wamukomyawo.Ka ngende mubuuzeeko.

Naye nga bwendi nti netema okusasula,nasabye owa Ddigi aleete eggulu lyo,nemuwa ebiragiro aleme kulikuba mu bisirikko,ssi kulwa nga lituuka limegusemeguse.

Kyokka ate ndaba kati osaba Nantalabikalabika!Wabula era nga bwotegedde,nja kugezaako nonyereze,oba oli awo naafuna half dozen...awo nsuubira tewaba wabi.

Meantime nga bw'olindirira,bakuteereko Chagga "Nfunye Kabiite" awo manyi ojja kukkiriza buli crap gwe ndeeta.

Omubisi njagala musogolerewo,ate nga bwenguteeka mu glass guli clear,saagala bino ebimbuzaabuza nga sirengera thru.

Obutunda mu lwendo ne straw would be just fine

==========

Re:WHAT ARE YOU DOING OUT HERE THIS XMAS?

Posted by omumbejja - 2007/12/23 18:54

Awonno olabika tujja kusigaza omukwaano nandibadde kati otandise okubiretamu science nga lwaaki obuuza obanze nnamuleese nze mukutusizaako kati ate gwe onoonya gyemuyisizza naye nga bwompadde akayiimba kenfirako:) ka Nfunye kabiite sijja kukwaata misango mingi naye buli kyewali wetemye nkyakirinze leero beera ekyo kulabirako eri abe nda ya Nakalaama nti bwe basubiza batukiriza naye ssebo ogira okyakulikayo.

==========